# Akawuka ka siriimu akapya mu bantu kava wa?

## BUUZA OMUSAWO

**DR. Nelson Musoba, akulira ekitongole ekikwanaganya emirimu ku nsonga z'akawuka ka siriimu mu ggwanga ekya Uganda Aids Commission annyonnyola ku kawuka ka siriimu akapya mu bantu gye kava :**

Uganda AIDS Commission yakoze okunoonyereza kwe yayise 'Uganda modes of Transmission' nga kulaga nti, okutegeera ani akwatibwa oba afunye akawuka ka siriimu mpagi nnene mu kumalawo siriimu.

Okunoonyereza kuno kulaga engeri ez'enjawulo akawuka ka siriimu kwe kava okusaasaanyizibwa.

- Abawala abavubuse n'abakyala abakyali mu myaka emito, bakola ebitundutundu 36 ku 100 ku bakwatibwa akawuka bw'ogeraageranya ku bakulu okuva ku myaka 15 okutuuka ku 49.
- Wabula ekibinja ekisinga okuba mu matigga okugeza nga bamalaya abakazi, abasajja abatunda akaboozi, nga tetwerabidde n'abo abava mu bufumbo, bano bonna bakola omugatte gwa bitundu 78 ku 100 ku bakwatibwa akawuka ka siriimu.

**Lwaki kya mugaso oba kikulu okumanya abantu abapya abafuna akawuka ka siriimu gye bakaggya?**

Kituyamba okumanya wa we tulina okubeera abeegendereza. Okutuukirira abantu tekimala kuzibikira kituli kiriwo. Uganda kati esaanidde okuteekawo enkola egenda okumanyisa abantu obulabe obusinga we buli abantu babeere bulindaala.



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda Aids Commission.

**Tubuulireko ebisingawo ku bibinja ebiteekeddwa okubeera obulindaala?**

Okusinga tutunuulidde abakyala abatunda akaboozi, abasajja abeenyigira mu mize gye gimu, n'abantu abeekuba ebiragalalagala. Emikisa gyabwe egy'okukwatibwa akawuka gibeera waggulu okusinga abantu abalala.

**Olwo kiki ekigaana ebibinja bino okufuna obujjanjabi n'okumanya ebikwata ku kawuka ka siriimu?**

Okwetya n'obusosoze bikyalemesezza enkola eno okuteekebwa mu nkola. Embeera abantu gye bawangaaliramu eremesa abantu abamu okugenda okwekebeza, abamu ebalemesa okwekuuma, ate abalala ne batafuna kumanyisibwa bikwata ku kawuka na ngeri ki gye bayinza okufunamu obujjanjabi.

Okutya okugubasalira n'ebirala ebiyinza okuvaamu bireetera bangi okwewala okufiibwako, ekivaako akawuka obutamanyika ne katajjanjabibwa.

**Kiki ekisaanye okukolebwa?**

Okutondawo embeera esoboka ng'abantu bonna basobola okufuna kye beetaaga awatali kutya y'emu ku ngeri gye tugenda okumalawo siriimu.

**Kusoomooza ki okuliwo?**

Okusoomooza kuli ku kulemererwa wakati w'okubunyisa ebikozesebwa ne byetaagisa okumalawo ekirwadde kinnamutta, wadde nga Uganda etaddemu nnyo ssente mu pulogulaamu za siriimu.

Obuyambi mu kutangira siriimu bwakendeeramu emyaka egiyise, ate nga si buli bibinja ebiri mu katyabaga bifuna okufiibwako kyenkanyi.

**Kiki ekisaanye okukolebwa?**

Omuwendo gw'abantu abamu oguli mu bulabe ennyo okufuna akawuka bafuna obuzibu okutuuka we balina okufuna ebyetaago nga okukeberebwa, okubudabudibwa, n'engeri gye bayinza okwewalamu okukwatibwamu akawuka.

Singa bino byonna biteekebwa mu nkola kijja kuyamba okumalawo ekirwadde nnamutta.

**Bikuŋŋaanyiziddwa a KHASIFAH NAAVA.**